HAI HEALTH ACTION INTERNATIONAL

# OBUJANJABAI OBUSOKEBWAKO SINGA OBA OLUMIDDWA OMUSOTA OGW'OBUSAGWA.



## KKOLA BINO

Kakana era kakanya oyo aba alumiddwa omusota era mukakase nti ajja kuba burungi.



Mpolampola vva awali omusota ogukulumye.



Singa omusota ogufujja obusagwa bukugenda mu maaso, naabamu n'amazzi nga bwegakulukuta



Totigatiiga kiwundu musota wegulumye.



Sumuluula,jjako oba jjamu buli kintu ekisiba omubiri naddala okwetoloola ekitundu awalumiddwa omusota.



Alumiddwa omusota mugalamize bukiika era temuzunzazunga kitundu awalumiddwa omusota.



Mwanguye alumiddwa omusota mu ddwaliro eribali okumpi okufuna obujanjabi obusingawo.



## TOKOLA BINO

Topapa, kakana era ogobelere emitendela gy'obujanjabi obusokebwako.



Tolumbagana musota kuba nagwo gujja kwelwanaako era gujja kukuluma.



Tokunya maaso kuba gajja kwongera kukusiiwa mpozi n'okwongera okusasanya obusagwa.



Ekiwundu omusota wegulumye, tokyooza, tosalawo yadde okunuunawo omusaayi kuba kiyinza okwongera okulwaza ekiwundu saako n'okwongera okusaasanya obusagwa.



Tosiba kitundu walumiddwa musota kubanga kino kijja kwongera okussajula ekiwundu ekiyinza okuvaako okutemwako ekitundu ekyo , kabe kasinge okuviraako okufa kw'oyo alumiddwa omusota.



Alumiddwa omusota tomugalamiza ku mugongo kuba kino kitataaganya okussa kwe.



Weewale okukozesa enkola ey'ekinansi yona oba eyo etakakasibwa burungi okugeza nga black stone, mukujanjaba alumiddwa omusota ogw'obusagwa kubanga kino kijja kutaataganya ezijanjaba muddwaliro.



## OBWERINDE SINGA OBA OLUMIDDWA OMUSOTA

singa oba olumiddwa omusota, dduka mangu mu dwaliro erikuli okumpi

## ENGERI 8 ENYANGU Z'OSOBOLA OKUGOBELERA OKWEWALAOKULUMIBWA OMUSOTA.

1. Yambala engato ezibika oburungi ebigere oba gambuutu era wegendereze nnyo bwoba otambulira mu nsiko.
2. Koseza toochi oba etaala singa oba ofuluma ebweru mu kilo oba munzikiza.
3. Wewaale okukuuma emere n'amazzi nga bibikule mu nyumba kuno kwosa n'ensolo z'awaka obutazisuza mu nyumba kuba bino bitekaawo embeera esikiriza emisota okuyingira enju.
4. Totereka binywa by'anku kumpi na nyumba okwewala emisota okwekukumamu mpozi n'okuyingila amangu mu nyumba.
5. Tewebaaka wansi okwewala okuwalampibwa emisota aman- gu ate weebake mukatimba k'ensiri.
6. Ziba ebituli ebili ku nyumba yo okwewala okuyingilirwa emisota.
7. Saawa omuddo oba ensiko okwetoloola enyumba yo okwewala emisota okwekwekamu.
8. Nonya ddwaliro ki eliri okumpi nga lirina obujanjabi bw'emisota egy'obusagwa.


**Uganda Wildlife Conservation Education Centre (UWEC):**
Tel: 0414320520, www.uwec.ug, info@uwec.ug



Obubaka buno bukutusiddwako aba Health Action International (HAI) nga bali wamu ne Global Snakebite Initiative (GSI).


**HAI:** www.haiweb.org/what-we-do/snakebite-envenoming
**GSI:** www.snakebiteinitiative.org

Okufuna ebipande bino, tukilira endagiliro zino, email **ben@haiweb.org**, oba **www.haiweb.org**.